

Ekitabo kino kiddiddwaamu omulundi ogwokubiri mu 2004 okusobola okussaamu ebyo ebyali birekeddwa ebbali olw'okuwubwa kw'ekyapa, n'okussaamu Musajja wa Kabaka Ssempiira e Munyonyo, eyambuulira ebigambo ebikulu ebikwatagana n'ebiri mu kitabo kino, ate nga we namusangira nali maze okukiwaayo mu kyapa. Eyasoma ekitabo kino ekyasooka ate nga musomesa, asaanye afune na kino asobole okumalirayo abayizi ebyo ebyali bifikidde.

**BUGANDA GYE TWASUBWA**

**DR. ADAM KIMALA**

# **BUGANDA GYE TWASUBWA**



***DR. ADAM KIMALA***



EBIRIMUKITABO KINO

Byafanyo by Omwandira	v
runy anulu	xv
Byagamba by Omwandira	xiv
Byakubaza	xvii

**BUGANDA GYE TWASUBWA**

Entandikwa n' amashuri	1
Obwakabaka butavuka	5
Bakabaka nga bwe bazze baddirirye	6
Kinzi Omutorole	16

**KYAWANDIIKIBWA**

Kisolo abula	15
Bakabaka okuva ku Kinzi amashuri	16

**DR. A. N. KIMALA MD, BKK.**

Tembo	37
Kigga	37
Kyumba	38
Kayoma	39
Nakibinge	41
Mulondo	43

**Makeerere Kagugube**

Ijamba	44
Secura I	45
Secura II	46
Katerenga	47
Muachi	48
Jjuko	50
Kayoma	51
Tebandeke	53
Ndawula Kanakubwa	54
Kagulu Tebutwe	55
Kikulwa	56
Mawanda	57
Byanga I	58
Namugala	59
Kyabagga	60

**MUSEENENE 1998**

**Copyright © 1998 Reserved**

**Language Consultancy Bureau**



*ASAASIRWA NNYO OYO ATAMANYI NG'ALI WAKATI MU  
BATAMANYI, KUBANGA TASOBOLA KUMANYA, ATE NGA MU NSI  
YONNA MULIMU EKIBI KIMU KYOKKA- BUTAMANYA,  
N'EKIRUNGI KIMU KYOKKA- KUMANYA.*

Nets Africana Ltd.

9970 - 572 - 09 - 0

**EBIRI MU KITABO KINO**

Ebyafaayo by'Omuwandiisi.....	v
Ennyanjula.....	x
Obugambo bw'omuwandiisi.....	xiv
Okwebaza.....	xvii
Entandikwa n'entambula y'Obwakabaka bwa Buganda.....	1
Obwakabaka butandika.....	5
Bakabaka nga bwe bazze baddirinana.....	9
Kintu Omutonde.....	10
Kisolo abula.....	19
Bakabaka okuva ku Kintu omutonde okutuuka ku Bemba.....	19
Kintu Kato Muttabemba.....	24
Ccwa Nnabakka.....	31
Kimera.....	34
Ttembo.....	36
Kiggala.....	37
Kiyimba.....	37
Kayima.....	38
Nakibinge.....	39
Mulondo.....	41
Jjemba.....	43
Ssuuna I.....	44
Ssekamaanya.....	45
Kimbugwe.....	46
Kateregga.....	46
Mutebi.....	47
Jjuuko.....	48
Kayemba.....	50
Tebandeke.....	51
Ndawula Kanaakulya.....	53
Kagulu Tebuucwerekere.....	54
Kikulwe.....	55
Mawanda.....	56
Mwanga I.....	57
Namugala.....	58
Kyabaggu.....	59



Sayidi Mukaabya Muteesa I.....	68
Edward Frederick Muteesa II.....	81
Emyaka gy'Obwakabaka bwa Buganda.....	88
Ebika ebyakazaala Kabaka.....	90
Obwakabaka bufuzi buli mu butonde.....	94
Ebyobufuzi n'Obwakabaka.....	101
Kabaka mufuzi? oba Nedda?.....	104
Okusereba kwa Buganda.....	105
Muteesa baamumma emmundu.....	129
Okulonda omufuzi awatali bibiina bya bufuzi.....	181
Okuzzaawo Buganda gye twasubwa.....	182
Okuddaabiriza Amasiro.....	186
Okutunda ettaka n'ebiggya.....	187
Okuzzaawo n'okukuuma ettaka lyaffe.....	190
Enkyukakyuka mu mpisa n'enneeyisa.....	192
Okutuuma abaana amannya.....	194
Ennyumba enjanda zaggaamu dda.....	198
Enkyukakyuka mu mpisa y'obufumbo.....	199
Abaganda tebakyalina bwesigwa.....	200
Abaana tebakyatya bakadde baabwe.....	202
Ebintu ebitufuula Abaganda.....	202
Ebitabo ebyetaaga okusoma.....	206

## EBIFAKU MUWANDIISI

Omuwandiisi Dr. Kimala Adam Nsubuga Lumaga, yazaalibwa nga 19.11. 1945 mu Kiyemba ku mutala Kinnyogoga, Omuluka gwa Ssaabawaali, mu Gomb. Mut. V Wabusaana, Bulemeezi. We baamuzaalira nga kitaawe Idi Nsubuga Nantalaga Muyemba muwandiisi w'Omuluka ogwo. Mukulu wa Idi Nsubuga, Sowedi Ndigeetagala Muyemba nga ye w'Omuluka gwe baasikira okuva ku kitaabwe Yusufu Bakaayana Muyemba Ssaalongo. Oluvannyuma Idi Nsubuga yadda mu kifo kya mukulu we n'alya Omuluka ogwo okutuusa Obote lwe yaggyawo Obwakabaka bwa Buganda. Nyina w'Omwandiisi mukyala wa Nkima, kitaawe ye Musuuza Muzzukulu wa Jjumba e Bunjakko, ate nnyina ye Batenga gw'alayira bulijjo nti, "Omumbejja omubi Batenga". Awo abeera abalaata, kubanga mbu Omumbejja oyo yali mulungi omubalagavu.

Omuwandiisi nga akwali muto, yagendanga okulima ne nnyina, era lumu baali balima ne yeetema ekigere ekisajja ekya kkono n'akibejjulamu wakati. Nnyina yaleeta Ssere n'eddagala eddala ly'ataategeera ne basiba ekigere n'ebiyayi. Ekigere kyawona nga tekitanye era ne kaakati olwala lulina omugongo awo we lwayungira. Maama ne sabbaane Ssegujja ng'ono mwana wa senga wa muwandiisi bamanyi eddagala nti n'omuddo lingi nnyo. Omuwandiisi baamugaananga okutta ebikere ng'abibaaga n'okumukuba ng'akubwa nti obaaga ebikere ogenda kubirya? Teyalekayo kubitta kye yakola kwe kubitta nga yeekwese. Yeewuunya okutuuka e Kbuli ng'Omusomesa wa Biology Omw. Kamoga Kagugube, nga okubaaga ebikere agufudde musomo.

Omuwandiisi yebbanga ku bakadde be n'agenda okuyigga engabi, n'enjobe omuzannyo ogwamunyumiranga ennyo wadde nga ennyama y'obuyizzi nga tagitwala waka engeri gye bataamukkirizanga kugenda kuyigga. Yalundanga embuzi n'ente awamu n'endiga. N'enkoko zaalingayo. Yatandika okusoma ng'akakase, wa myaka munaana.

Yatandika okusoma e Luweero Boys Primary School mu 1953, ng'ava wa mukoddomi we Omw. Yusufu Sserwanga. Eyo gye yabeeranga ne mwannyina Masituula Nabukomeko. Bwe yawummula n'agenda okulaba ku bakadde be. Eyo yalwayo omwezi



mulamba. Yagenda okudda nga Omukulu w'essomero Omw. Galiwango ekifo yakigaba dda. Yagenda e Kasana Moslem Primary School we yamala omwezi gumu, mukulu we Akaya Ntanda eyabeeranga e Kigulu Wobulenzi, n'amutwala e Katikamu NAC Ssebamala Primary School. Eyo yaliyo mukulu w'omuwandiisi omusomesa George Ntanda Katekamu Ssaalongo. Ye yayambo okufuna ekifo. Omukulu w'essomero nga ye Omw. George W. Kitandwe. Abasomesa Ssebuliba ne Tebyasa ne bamusomesa. Eyo gye yasomera PII mu 1954. Mu 1955, nga 17.10, abaana bonna tebaasoma mu Buganda. E Wobulenzi baali mu kujaganya nga bali ku Laadiyo bawuliriza okudda kw'Omutanda. Ate mu 1956 kaali ketalo e Katikamu ng'omutanda alambula essomero eryo. Omuwandiisi yali mu Band ya Sserumbeete. Yafuuwanga bbuluugi. Yagifuuwa okwaniriza Omutanda nti,

"Ffe Tutendereza Kabaka Nannyinimu,  
Y'oyo Bw'ajja nga Tumwaniriza,  
Tutendereza Kabaka Nannyinimu,  
Azze Mujje Tusanyuke".....

Omutanda yasika omuwandiisi mu mukono okumwebaza, ekintu omuwandiisi ky'alina nakyo nga takyerabidde. Yamalako essomero eryo mu 1958 nga Prefect - Time Keeper.

Omuwandiisi yali anoga emmwaanyi ne kitaawe, omusajja eyava mu Kikyusa ze mayiro 12 okutuuka e Namalimba, n'aleeta ebbaluuwa eyayita omuwandiisi okugenda e Kibuli. Mu bbaluuwa mwalimu okugula engatto ne Sitookisi, ekintu ekya kyatiisa taata, so nga omwana yali muli ajaganya okwambala ku ngatto nga kitaawe. Yayigira Kibuli Junior Secondary School 1959 n'asoma Junior One. Yasangayo omukulu w'essomero Omw. Muhamood Ntege Lubwama, n'abasomesa abaayagala ennyo omuwandiisi nga be ba Joseph Oyuga, Joseph Ouma, George Mugwanga, George W. Kinobe, A.H. Kalinaki ne Jack Nsubuga (baamutuuma Jack Plane kubanga yasomesanga kubajja). Era wano we yayingirira Olubiri lw'Omulangira Badru Kakungulu Wassajja e Kibuli n'abeerera ddala omwana ow'omu Lubiri omwo.

Omuwandiisi yasulanga wa mukoddomi we Yusuf Muwuttule ne mwannyina Kasifa Nabwami e Kibuli. Eyo gye yasookera okulaba amasannyalaze. Yali agolola n'akuula waaya y'amasannyalaze mu Ppaasi n'agiteeka ku lugalo olusajja olwa ddyo alabe lwaki amasannyalaze gabugumya Ppaasi. Kye gaamukola, baamala kuggyako "Meyini

Swichi" waaya okuva ku ngalo. Nakati enkovu essatu z'alina ku ngalo ensajja kw'akyalabira amaanyi g'amasannyalaze. Bwe yava awo yebba n'ayingira mu "Toyileeti" y'abasomesa ey'amazzi. Yalaba ekinnya nga kirimu amaazi. Waggulu ng'eriyo ekitamu ekiriko "oluuma" olw'akajegere nga lulengejja. Omusajja omumpi oyo yalinnya ku migo gy'ekinnya n'ayagala yeesitulire ku kajegere alabe ekiri mu kitamu waggulu. Olwakisika bw'ati, ekitamu ne kiyiwa amazzi agaavuumu ne gayira nga empologoma. Yalwoozza nti amenye ebintu bya bandi, nti era amazzi gaali gagenda okwalaala okubuna olukuubo. Yava waggulu n'agwa ekigwo wansi kye bayita tonziriranga. Okuva awo kakokola tondeka nnyuma ye yali omugezi, si kulwa ng'abasomesa bawulira okuyiika kw'amazzi ne bajja balabe ebikolobero ebikoleddwa era ani abikoze. Omwaka ogwo ogw'okuvumbula Kampala, amasannyalaze toyileeti z'amazzi, eggaali y'omukka, byonna nga tebiganya muyizi ono kubbira mu bitabo. Kukakkana nga Junior I agizzeemu. Yali akwanye omusomesa Christine Lubwama sulanga mu Kiteetikka, ng'asomesa Luzungu, oyo ye yalaba ng'omuyizi y'alibadde olu okusoma naye ng'alina ebimubalankanya. Yatuuzza omuyizi n'amubuulirira ye yawonya omuyizi ono okugobwa mu mwaka ogwo ogusooka. Bwatyo mu 1960 amu Junior one. Olwo yatandika okusoma ng'ateese, nga ekyalo kimuweddemu, nga by'akola bitandise okuvaamu. Mu 1961 yatuula Junior School Certificate n'agiyitira mu I Grade, n'agigatta ku Primary Leaving Certificate eya 1958.

Yayingira Kibuli Senior Secondary School. Olwo n'ayingira e kisulo. Yasooka ku Belfast House, y'eyo kati omusula Sheikh w'Omuzigiti e Kibuli. Yayitibwa anga omusomesa wabwe mu Junior, kati Prof. Nsereko Gyagenda, mwe yali tannagenda kweyongera kusoma mu Belfast University. Bwe yafuluma abayizi ne bagiyingira olwo ng'efuuse kisulo. Temwali kitanda wabula emifaliso egyali gyaliriddwa kumukumu okuva ku kisenge okutuuka ku kisenge. Abaana nga bagwa wamu kirindi.

Omuwandiisi yali asamba bulungi akapiira. Era Junoir bwe yakwatagana ne Senior omuwandiisi yalemesa agasajja ga Senior, ne gagobwa Junoir. Mpozzi omuwandiisi yeetyabidde akalimu akawuka.

Agasajja gaakeeranga ku matulutululu ne gabayiira amazzi bazuukuke, ng'eno bwe ganoonya omuwandiisi. Sapatu abaazijjukiranga baalinga babale. Gaabaddusanga okuva ku nju eyo, baabo ku Dipo, beeyongeddeyo okutuuka ku liraga e Nsambya ku Ddwaaliro, bakyamyeye ku Ddwaaliro, baliyiseeko, bagguse e Kabalagala, bambuse, batuuse ku liraga e Kibuli ewa Mutajaazi, era balikutte. Kibuli TTC bagiyiseeko kkuutwe



okutuuka ku kisulo, essaawa 11.30. Awo nga kunaaba, kutawaaza na kusaala. Awo mu Belfast baamalawo emyezi esatu ne babazza mu TTC ne basulanga omwo. Eyo gye baava nga Agakhan abazimbidde ekisulo ekya Senior. Nga ssente bw'ebeera n'enjuuyi bbiri, okusamba omupiira ku ludda olulala kwawonya omuwandiisi. Luwangula yafuba okumwogereza n'okumuyisa obulungi, era aba Luwangula South ne bamutwala. Eyo gye yafuukira Prefect-School Captain. Eyo gye yateebera amakoono abiri nga tewali mulala agakutteko (mu mipiira egy'enjawulo), n'ateekawo likoda etanamenyebwawo mu ssomero eryo.

Mu Senior eyo gye yasanga omusomesa Kamoga ow'Oluganda ne Bilogy, ne baagalana nnyo. Yasindika omuwandiisi mu Shimon TTC okwongera okusoma Oluganda, ng'eyo Omusomesa MB Nsimbi gye yabasomesezanga Oluganda. Oluvannyuma Nsimbi yafuuka omulwadde w'omuwandiisi, ng'amujjanjabira awaka. Engeri bombi gye bali bazzukulu ba Gabunga, Nsimbi yafuuka taata w'omuwandiisi, ate ow'omukwano ennyo. Yayongera okumusomesa n'okumutendeka mu kuwandiika ebitabo. Era mu Senior e Kibuli, omuwandiisi mw'ayingirira Olubiri lw'Omulangira Badiru Kakungulu Wassajja. N'afuukira ddala omwana ow'omukisenge. Baatwalanga amakula okuva e Bukungulu okugatwala mu Lubiri e Mmengo ewa Kabaka Muteesa II. Eyo Kabaka gye baamwotanga obuliro, ekyayamba ennyo omuwandiisi okumanya ebifa mu Mbiri n'okwongera okwagala Obwakabaka. Omuwandiisi yafuna omukisa okukiikirira essomero okugenda e Kololo Air Strip nga 9.10.1962 n'alaba Bendera ya Bungereza nga bagissa okuva ku mulongooti, ate ng'eno bwe bayambusa eya Uganda. Ago ge meefuga ga Uganda.

Mu 1966 omuwandiisi yadduka ekibabu ky'okwokya Olubiri n'agenda mu Soviet Union okusoma obusawo. Eyo gye yava mu 1973 okutandika okutendekebwa mu nkwati y'abalwadde n'okubajjanjaba ng'omusawo akola Internship. Mu 1974 yagenda e Kawolo n'abeera Omukulu w'e Ddwaaliro eryo era DMO wa North Buganda Province (Kyaggwe, Luweero ne Mubende Districts) oluvannyuma n'asigala DMO wa Kyaggwe District nga bazikutuddemu. Mu 1978 yakomawo e Mulago Medical School okukuguka mu kulongoosa abalwadde. Mu 1986 yeegatta ku NRA ng'omusawo ku ddaala lya Captain alongoosa abasirikale. Mu 1990 yaddayo e Mulago gy'ali ne kaakati. Yatandika okuwandiika mu 1990 nga MB Nsimbi buli lw'amusanga ayogera kimu kya kuwandiika kubanga ye ng'akakasa nti mbu ebigambo omuwandiisi yali manyi ebimala okuwandiika ebitabo, ekintu kye yawakanyanga muli nga atya okukimugamba nti yali alimba.

Omuwandiisi bwe nabuulira ku mukwano gwe Omulangira Badiru Kakungulu, MB Nsimbi bye yali amutuma, Omulangira yamwetakulira bwetakulizi. Yatandika okufukumula ebigambo ebyatabula omuwandiisi, by'atagenda kumalayo kujjukira. Yamwagazisa ensonga za Buganda, mbu abeere nga Jjajja we Yusuf Bakaayana Muyemba Ssaalongo, Omulangira gwe yali amanyi ennyo obulungi. Nga tayagala kufa na bigambo bya Buganda bizikirire.

Omuwandiisi yeetaba mu mikolo gy'amatikkira mu 1993 ng'akolanga omusawo w'abantu abajjanga okukola emirimu, ng'eno naye bwe yeenyigira mu kokola emirimu emirala. Yasaawanga, era ye yasima omusingi gw'enju Bwanika. Yeetaba mu kugomba emmuli z'olubiri olwetoolodde Bwanika. Omuwandiisi ye yasuzza Omuzungu Omukuza era mukwano gwa Kabaka ayitibwa Richard Carr-Gomm mu weema y'abasawo ekiro ky'amatikkira. Ssaabasajja ye yasiima mukwano gwe oyo abeere n'omuwandiisi mu weema ya St. John Ambulance, anti omuwandiisi Memba mukulu mu kibiina ekyo. Ku matulutulu, omukulu ono yawerekerwa n'agenda yeegatta ku Ssaabasajja, ne bajja naye nga balwana Olutalo lw'Ebirumbirumbi. Omuwandiisi naye yalwetabamu nga Owemmamba.

Omuwandiisi atambudde mu nsi eziwerako. Buli we yagendako, yalaba nga buli nsi abantu beenyumiriza nnyo mu Lulimi n'obuwangwa bwabwe. Olaba baleeta mu Kanisa amagi amasiige langi kubanga Paasika!. Bw'atyo Muzzukulu wa Ssebawutu, Muzzukulu wa Gabunga bwe yamala okuyita mu ebyo, n'afuuka omuwandiisi w'ebitabo mu Luganda, ng'ebitabo abiwandiikira Baganda n'abo abamanyi Oluganda, wadde nga musawo alongoosa abalwadde mu Kizungu. Kino kye kyawa omuwandiisi omukisa, Ssaabasajja n'asiima n'amuwa ekitiibwa BUGANDA KWE KWAFWE, nga 26 Kasambula 1998. Ekitiibwa ekyo wa ekyo kiweebwa abasomesa abakoze omulimu omunene okusomesa Obuganda.



## ENNYANJULA

Bwe nasoma ekitabo kino "BUGANDA GYE TWASUBWA" ekyawandiikibwa omukugu Dokita Adamu Kimala Muzzukulu wa Gabunga omusajja emmekete ng'ali ku latabaalo lw'okutakabanira Olulimi Oluganda n'Ebyobuwangwa, anti byonna byasibibwa mu mu mpu emu okuva ku Bajjajjja abaatusooka okulaba ebinyuma.

Mu nsi yonna bukya luba nga lwa mmindi, omuzira asiimibwa nnyo olw'okukolera eggwanga lye ebyo abatitiizi bye batasobola kukola. Omuganda agamba nti, "Ekira omukwano n'ekifi." Naye nange mba mulyazamaanyi nnyo bwe sseebaza Muzzukulu wa Gabunga olw'omulimu omunene gwe yakola okutuwandikira ekitabo kino eggero. Ate n'atakoma awo, wabula ate n'angemulira ogwa Nanteza e Bulamba okukola ennyanjulira y'ekitabo kino, wamu n'okuyisaamu amaaso ag'obuwombeefu mu kukola omulimu gw'okugolola wamu n'okuluhamya mu nsonga ne mu bulikonda obumu, anti singa mubaamu ebirowoozo eby'amawunjukira ng'ekikooyi ky'omukazi, nsobola okubitereeza.

Wabula omwana n'omuzzukulu wa Buganda alisubwa okuyisa amaaso ge mu kitabo kino, aliba nga mu buto bwe teyakolerwa kyogero, nga ne nnyina teyanywa ku kibya kya mumbirano. Anti aliba asubiddwa okutunula mu nnyanga y'amagezi Omusajja omweru omuwandiisi kayingo ku mirimu, ayitibwa HERBERT N. CASSON eyagamba nti, "OKWEBEERA FFEKKA (ABANGEREZA) KWE KWATUWA EDDEMBE N'OBUKULU, ERA KWATUWA OKUFUGA ENSI NNYINGI".

Abangereza buli kintu ekikwata ku bulungi bwabwe baakyetuusaako bokka. Ekindeesezza ebighambo ebyo, lwa nsonga nti Abaganda mu kaco kano tetukyebeera wadde okwefaako ffekka ng'amawanga amalala bwe gali. Tujjudde empisa ez'ekko n'effubitiizi erituyiza omulambo mu lubugo. Wano Buganda kyendabye, omuntu bw'awandiika ekitabo kye, abageziyezi abatasobola na kuwandiika, olukiraba nga kifulumye, nga bakyeyuna okukiyitamu. Bwe bamala okukiyitamu, nga batandika okuqoola ebya munnaabwe, ekifo ky'okukwata empandiiso nabo bakulubuleyo ebyabwe

eby'amazima, badda mu ku lwazisa Nnaama, kutegeeza bantu nga Bakiddaawo bwe yawandiika ebya sungulubebbe. Kale ebyo bye biriwa! Awo nno we nkubiririza Abaganda empisa eyo bagidibize ddala, terina gye tutwala mu nsangi zino.

Bwe nasoma ekitabo kino, nalaba ng'omuwandiisi yatolobya akati ku bintu njolo ebipya. Ensonga enkulu ennyo ezaasinga okunsanyusa ze yawandiikako, be Bassekabaka ba Buganda abaabula, Bakamalabyonna baabwe, Abalongo baabwe, Amayembe gaabwe, Abakyala baabwe, wamu n'Enkerembe zaabwe. Ate teyakoma ku kulaga mannya gaabwe gokka, wabula yalaga n'ennono zaago abantu ab'ensangi zino ze batamanyidde ddala.

Yalaga Omulangira anaalya enjoma engeri gy'ayita mu KASERA. Yawa Omulangira oyo engeri gy'anyigibwamu emigezesu GY'AKASERA. Yalaga amannya g'ebintu(ebyalo) ebimu engeri gye byatumibwangamu amannya Bakabaka ba Buganda nga batambula mu njendo zaabwe ezitali zimu, nga bali n'Abaddu baabwe. Omuwandiisi we yamalira eggobe mu kibya n'entungo n'agikomba, we wano we yawandiikira erinnya "KAWEEKWA" engeri gye lyatandikamu mu Buganda. Anti tubadde tukoma kuwulira njogera nti, "Guno ogwase guzuukusa ne kaweekeba e Ggangu", nga tetumanyi kwe kyava.

Mu kitabo kino Omuwandiisi alaga emyaka egy'essimba Bassekabaka ba Buganda ab'edda gye baalamulirako Obuganda era n'asenziira okwo okubala emyaka gya Bassekabaka gye nnyini emituufu, anti agamba nti Ssekabaka Kimbugwe yajja ku jjoba n'abategeza ekiseera kye yavvuunikirako Obuganda. Nti ekyo kyamuyamba nnyo okumanya Bassekabaka abaamuddirira n'abaamusooka, ebiseera byabwe ebituufu bye baabeerawo.

Ekintu kye yakira ku banne abaamusooka okuwandiika ku Bwakabaka, kwe kulaga ebibuga bya Bassekabaka ebisinga obungi ng'ate Bawandiisi banne baalagangako kimu oba bibiri.

Omuwandiisi mu kitabo akuwa ensonga eziviriddeko Buganda okusereba wamu n'okuyenjebuka nga tutunda ebyaffe, ng'ettaka bajjajjaffe lye baakuuma obutiribiri, ng'akalira k'omwana. Okukoppa nayo yagiraba nga ndwadde nkulu nnyo mu Buganda. Anti Abaganda basimbulizza kalonda n'e vvuubiiko w'empisa okuva mu mawanga ag'enjawulo wano mu nsi y'aboffe n'ebunaayira.



Okwo yazzaako eddiini ng'alaga engeri gye yatulinnya mu nsalika n'egisajjula. Naye n'alabula nti bwe tuba tetwebedde nnyo kwe yambula gwa kabugu, olwo twolekedde okusaanawo.

Ensonga endala enkulu mu Buganda gye yawandiikako, z'ennyimba enkulu ezayaayizibwa okujjukiza, okuyeeyereza wamu n'okutendereza abaakola ebirungi n'ebyesisiwaza ensi. Era yalaga enjogera, ebisoko n'engero ebyayogerwanga wamu n'okugeraageranyizibwa ku bantu oba ebintu ebyalingawo mu biro ebyo.

Musajja wa Beene ono alaga engeri ebyobufuzi gye byataagulataagulamumu Olulimi n'Ebyobuwangwa byaffe mu Buganda. Ate ekirungi asunsula bulungi nnyo ensonga ze era n'azirambika bulambalamba, n'asoma n'asiima n'okwekomba ne yeekomba, amulaba n'alowooza nti alina bye yeemuguunya, nga mpozzi wa!

Olulimi Oluganda Omuwandiisi lwe yakozesa lwolekera ddala enkula gye yakuzibwamu, anti yakuzibwa mu mpisa ez'obuntubulamu ezaamusobozesa okumanya ebintu enjolo, ng'era omwana w'Omuluganda bw'asaanidde okukuzibwamu. Nsubira ekitabo kino kiribeera ENKULUZE y'ebyafaayo bya Buganda nga kyegatta ku bitabo ebirala ebigwa mu ttuluba eryo, abaana n'abazzukulu abalibaawo nga ffe tumaze okwebakira eringi, baliganyulwa nnyo.

Maliriza nga nkubiriza Abaganda bennyini, wabula si bino ebittiriri oba ebimererezi, okufaayo ennyo okuyigiriza, okusomesa, okwagazisa wamu n'okukuuma Olulimi Oluganda n'ebyobuwangwa byaffe, olwo lwe tujja okukulaakulanya eggwanga lyaffe Buganda wamu ne Yuganda yonna okutwalira awamu. Ebitundu ebirala nabyo bwe binaakola bwe bityo, olwo wajja kuba nga tewali kitundu kikwatira kinnaakyo buggya wabula okwegomba n'okuggyayo ebigasa ebigasa nga tevivoola buwangwa busangibwa mu kitundu ekyo.

**Ssaabasajja Kabaka, Empologoma Kalalankoma, agundegunde nnyo ng'omusekuzo.**

Omulangira Mawanda Kazibwe Moses  
Muzzukulu wa Kibooli e Bunyiri, Kyaggwe.

Ekibiina ky'Olulimi Oluganda,  
Akasanduuko 30059 Kampala.

Essimu: 041-347075.

## OBUGAMBO BW'OMUWANDIISI

Bagamba nti "Anaakuggya ennimi (emize), ageya nnyoko ng'owulira".  
Olugero luno lutuufu nnyo senga otunuulira Buganda nga ye nnyaffe. Kiba kitegeeza nti omuntu yenna agezaako okuggyawo Buganda abeera ayolekedde okufuna obutategeeragana n'abaana ba Buganda. Oyo ne bw'abeera omu ku baana nga y'ateganya nnyaabwe, abooluganda tebamuleka bulesi ng'atigomya nakazadde. Beegatta wamu ne bakangavvula muganda waabwe oyo. Omuganda eyeenyigira mu kuggyawo Buganda, naye atwalibwa nga mulabe waffe.

Mu kitabo Abaganda Ab'edda, tulaba ng'ekyatta Obuganda n'abantu baamu kyava ku kumenyawo Ssemateeka waffe nga tukoppa empisa ennonderere, okukwata ediini ennyeni obukusu ne tutandika okukwatirwagana obuggya n'effutwa, olw'okubeera nga tusoma eddiini ez'enjawulo.

Ekirala, Omuzungu yatukwata obwongo, ne tutegeera era ne twagala bibye byokka. Bw'ayogera nti Adamu yava mu Ggulu, nti ate Kaawa yaggyibwa mu lubiriizi lwe baggya mu Adamu, abantu ffenna tukikkiriza. Wadde nno abasoma n'abataasoma, nga bamanyidde ddala nti Adamu ne Kaawa buli omu alina embiriizi 24, era fenna tukkiriza nti Adamu baamuggyamu olubiriizi. Omuganda bwe kamutanda n'ayogera nti Kintu ne Nambi baava mu Ggulu, abantu tebakkiriza, nga bagamba nti ebyo bya ppa, bya bukaafiiri. Obwongo bwaffe baabukwata nnyo ne tutuuka n'okwerabira akayimba kaffe amakula akagamba nti,

Agaliraala!

Agaliraala mu nkolimbo,

Okwogera njogera **Omweru takira Muddugavu,**

Agaliraala!...

H.M. Stanley yatuuka kuno e Busaabala nga 5.4.1875, Muteesa nga ali Banda. Okuva olwo ffenna twatandika kweyisa Kizungu, ne twerabira era ne tukyawa ebyaffe.

Ekivuddemu kwe kusobya Omukeeka Buganda, ne tutandika okuguluka obukyamu nga tukozesa ensansa enkyamu ate nga tuzitobeka mu nsobi. Anti endyo zaffe bwe tuzitwala nga z'ensansa, ze tubeera nga twazitobeka bubi, ne tuzitabula ne ziyigira mu bifo ebitali byazo.



Nga twagala okuzzaawo Buganda gye twasubwa, ñhamba eyo eyali amatendo, tuteekwa kusooka kugitegeeza bantu bonna abakulu n'abato bamanye ekyo kye bafirwa, era batandike okugenyumiririzaamu n'okugyagala. Olwo lwe banaafuba okuzzaawo Buganda nga bwe yali.

Ekyokubiri, tuteekwa okuyiga okusonyiwagana nga tujjukira nti ku nsi kuno tewali atasobya. Buli lwe tugaana okusonyiwa abo be tulowooza nti baba baatusobya nnyo, tebasana kuddiram, ne tubasosola, nabo bagenda beekuññaanya ne batandika okulwanyisa kye bayita obusosoze n'effugabbi. Si kirungi kukyawa lukeremete, olugenderezo nga tetubaddiramu. Nabo nno bambi baba n'ebirowoozo ebirungi era ebizimba. Okukyawa omuntu n'abaana be, n'okyawa n'ebirowoozo bye, ate ng'oluusi birungi, oba ofaananye omuntu akyawa ebisolo bye ebibuze n'abinyiigira n'atabizza mu kisibo. Nga buli muntu bw'asobola okusobya, omuntu n'olwekyo tasaana kutya kusobya, kubanga ekyo kya buli omu. Wabula asaana kutya kudda mu nsobi y'emu, oba n'okusobya olutentezin n'obutategeera nsobi ye n'atetonda.

Ekisembayo, bwe tumala okuyiga ebyo, olwo ne tulyoka tusansulula omukeeka ogwasoba okugutuusa we gwasobera, tuddemu tuguluke buggya nga tukozesa ensansa entuufu nga tusobola n'okwawula emmuli ku bikajjo. Ne bannaffe abatuliraanye, nabo bateekwa okuluka emikeeka gyabwe gibeere murungi, buli omu aleme kwegomba gwamunne oba okukwataganirwa obuggya.

Nga tusoma ekitabo kino, tusaana tujjukire obugambo buno obwawandiikibwa S. M. Nsubuga ne H. M. Grace mu katabo akayitibwa "Ebifa mu Buganda, Buddo Julaayi (Kasambula) 1928, No.258, olupapula 177 obugamba nti, "Naye tewali kikolebwa ekiggya era ekikakanyavu ne kituukirizibwa awatali kufa n'okubonaabona kw'abantu abamu; tugenda mu maaso nga tuyita mu kubonaabona kwa bakitaffe, naffe kitugwanira okubonaabona, abaana baffe balyoke bagende mu maaso". Kino kiba kitegeeza nti, kizibu nnyo bwe wabaawo enkyukakyuka ez'amaanyi obutagenda na bantu abamu. Abo ababa basigaddewo kibasaanidde okugenda mu maaso okusobola okuyimirizaawo ensi yaffe ku lw'ezzadde lyaffe.

Waliwo abatugamba nti ekyokuddayo emabega gye twava nga twagala okuzzaawo Buganda nga bwe yali, ekyo kikafuuwe. Nti tuteekwa kukkiriza ekyo ekitukakiddwa. Aboogera batyo baba beerabidde nti Bulaaya yagatta amawanga agaaliyo olw'empaka,

ne Berlin n'ezimbwamu ogusenge ssemasenge, naye oluvannyuma lw'emyaka, buli ggwanga lyaddayo nga bwe lyali.

Kino wano naffe kisoboka, anti Katonda ye yatuwa ensi eno, n'atugamba nti buli muntu anaasiisira okuliraana n'e Bbendera ye awali obubonero bw'ennyumba za bakitaabwe (Kubala 2:2). Ya tuwa n'etaka era n'atugaana okulitunda. Nti era ne bwe liba litundiddwa, abooluganda bateekwa okulinunula oluvannyuma lw'emyaka musanvu ne liddira bannannyiniryo. Nti "Bwe kityo tewaabenga busika bwonna bunaakyukanga kuyingira mu kika kirala" (Bayibuli-Kubala 36:7).

Nsaba oyo awulira nti mukosezza ye kkennyini oba abantu be mw'asibuka, ansonyiwe kubanga nze ng'omusawo alongoosa, ekizimba mmala kukisala ne tulyoka tukinyiga. Na kati ekizimba nkisaze tulabe ffenna awamu we twasobeza, oluvannyuma twerongoose, tutegeeragane, tulyoke tufune ekiramu.

Mukifo ky'okunyiigira omuwandiisi, tusaana tumale okweyaza, tulabe oba ddala bakadde baffe baasobya, wadde nga baffe era nga tetwaliyo, tukimanye nga kyali kikyamu. Olwo tutandike okukwatira awamu tuggye emisanvu mu kkubo egyasuulibwa ba jjajjaffe, tulongoose ekkubo abaana baffe ne bazzukulu baffe basobole okuddayo mu kkubo ly'abo abaasooka okuteekateeka ensi eno ne bagissa ku mutindo bajjajjaffe kwe baagisanga ne bagiggyako olwokubuzaabuzibwa kw'Abazungu.

Era nyongera okusaba ensobi ze munaasanga mu kitabo kino muzisse ku nze, era munsonyiwe n'okunnuññamy munnunññamy, tufune ebigambo ebituufu bye tulirekera abo abalituddira mu bigere mu nsi eno amakula era ensuubize.



Bwe nali ηηenda okutawaanya abakulu bano wammanga be ηηenda okwebaza, najjukira engero zaffe bbiri. Olusooka, “Nnaasiwa mu kange, asiwa mu ka bukuku.” N’olwokubiri, “Entabalira, emala amazzi mu lwendo.” Anti bw’ofuna ekirungi, osaana okiweeko ne banno. Engero ezo, zampaliriza okubasaba bannyambeko babeeko bye bambulira era bye bampabulamu, kubanga bo nga bamanyi bingi okunsinga. Amazima baakola omulimu gwa ttendo, anti olutabotabo baalufuula ekitabo. Kyenva mbaasiima ne ssekusiima yenna.

Bano be bakulu be neebaza.

Ekisookera ddala, ekizibu kye nina kwe kutandika okuwandiika ku bintu bya Buganda ne simala kuzza birowoozo bya Mbuga e Bukungulu. Tewali kintu Omulangira Badiru Kakungulu ky’ataayogerako, era twamuyigako ebintu bingi, kubanga yali atwagala nnyo. Ebigambo bye njogedde ku Omulangira Nuhu Kyabasinga Mbogo, Mugema we, yabinyumyanga nga musanyufu nnyo, kubanga ng’abinyumiza mikwano gye. Bwe nzijukira ebigambo bye, nze bye nasembayo okuwulira okuva gy’ali, ekiro ekyasembayo mu ddwaaliro essaawa bbiri ez’ekirowo nga mujjanjaba, ndabira ddala Omulangira ow’ensonga Jjajja wa Buganda ddala, era mpulira nga nkyasiriira omutima. Yagamba nti, “Bannange mbalekeredde. Ekiseera kituuse. Mwebale okunzijanjaba. Mukuume ensi yaffe. Naye, we mugenda wazibu. Munyweranga”.


Ekirungi kye twafuna kye kino, nti n’Omusika Omulangira Kasim Nakibinge atwagadde mu ngeri y’emu. Bwe nnamuwa ekitabo kyange ekyasooka, “Abaganda Ab’edda”, yansiima nnyo era n’ankuutira okwongerera okuggyayo ebirala bye nzijukira ku mukadde waffe oyo.

Nzizaako Omulangira Kulisitoofa Kateregga Sekiyovu Nkwawa eMabombwe. Yazaalibwa 1902. Namukyalira ewuwe nga 26.4.1992 okumujjanjaba, naye yansasulamu bigambo bye eby’omuwendo ennyo bye ntadde mu kitabo kino. Omulangira ono wa mutuba gwa Sekiyovu e Namulonge ogwamusimbirwa Ssekabaka Jjuuko.

Nnaalinnya Ndagire Sikyagatema Basenakujjengo Tebatta (Tebattagwa’ eBugembegembe. Alina ebigambo bingi nnyo by’amanyi ku Buganda ne ku lw’Abalangira n’Abambejja. Bw’omukwata obulungi, okisanga nga naye

olutakalira. Kitaawe, ne bwe yamutuuma erya Basenakujjengo yamala kumulaba. Kitaawe ye Mulangira William Kyakulumbwe Bamweyana eyali azaalibwa Omulangira Nakibinge Bamweyana Ntengeekaawa. Ono yali Kiweewa wa Mwanga II eyasimbirwa Omutuba e Namulanda, Busunju, Ssinga okuliraana Omumbejja Maliyamu Mazzi eyajja n’enjole ya Mwanga nga wa myezi 6, okuva e Sesere(Seychelles) gye baamuzaalira.

Mukyala Florence Zivaamu Nakimwero Ssekabembe. Yampagira mu kunoonyereza ng’ampa emmotoka ye 687 UAG nga n’oluusi ampeeramu amafuta, nsobole okutuuka mu bifo ne ku bantu be nalinga neetaaga. Kya kusaalirwa nti munnaaffe ono teyasobola kulaba ku kitabo kino, anti yatuvaako nga 30.10.1997, era mu kusaalirwa okw’ekitalo, n’awummuzibwa ku bajajjaabe mu Nsanvu, Kyaggwe. Yali ayagala nnyo Obuganda.



Mukoddomi wange era Omusawo Temiteewo Kalibbala e Wobulenzi oyo ali mu kifaananyi, nina ebyamba ddene nnyo ku ye. Amanyi ebikwata ku bakungu ba Kabaka bangi engeri nnyo mu kisaakaate kya Mukulu we Sir. Apollo Kaggwa Katikkiro. Omusawo wange ekyasooka, yali akyaliiwo e Wobulenzi nga mulamu,ng’ ategeera bulungi.



We tuddidemu ekitabo kino nga yawummula dda, nga .... Era ne tumuziika e Kapeeka nga.....

Nzizaako musajja wa Kabaka Merkizadek Kadduwannema Ssempiira. Yazaaliba mu 1891 e Buligwe Bbowa, Bulemeezi. Kitaawe ye Yibulayimu Nkata. Ye mwana eyasembayo ku baana 20 kyokka nga ajjukirako bano: Yokaana Masembe, Ashe Mukasa Ex. Kkangaawo, Nnaanfumbambi e Mpumu, Ssedululaaka Ssenkaggale, Ssedululaaka Beekalaze, Yona Ntoḡḡanyi, Pawulo Mukooza, Pawulo Katumwa, Tito Bawalessanvu, Mangalita Nabyonga, Esita Mbyayi, Yuniya Namisango, Eresi Tebalindya, Zaakaliya Nakayima.

Bwe yakulamu, yalyanga abato bonna bye baalyanga: Amayenje, ennyaanyagize, enswa, ebimommo, amatungulu, entuutunu, n'ebirala bingi. Yatandika okulunda embuzi n'ente era yakomaganga. Yayigganga, era yayiisanga omwenge. Mu 1910 mu mwaka mwe baddiza enjole ya Mwanga mwe yatandikira okusoma e Mukono Bishop Turker oluvannyuma eryafuuka Central School. Yasulanga wa mukulu we Zaakaliya Nakayima mu Ggulu e Mukono. Mu 1916 yava mu ssomero okugenda mu Ssematalo eyatandika mu 1914. Yagaanibwa okugenda okutabaala emirundi esatu nga bagamba nti akyali muto nnyo. Ye olw'okwagala Kabaka n'ensi ye, yasalawo atabaale baleme kutwala Buganda. Dr. Schwarzan ye yabakeberanga, abaayitanga ne babatwala e Bbombo okukola Drill, era yatendekebwa n'okujjanja Abaserikale. Bo bajjanjabanga n'abalabe baabwe ne babatwala mu ddwaaliro. Olwo nga bali mu Dar-es-Salam. Eyo gye yafuukira Instructor. Yalondebwa okukuuma Omulangira Sub Lt. Musanje omwana wa Kalema. Olutaqlo olwo lwaggwa 1917.

Baakomawo 1918, era n'addayo mu ssomero mu Mmengo Central School. Gavamenti yagaba Sikaala eri abaali Abaserikale abaddayo okusoma. Baabawa ebibuuzo ne batwalako 8 okugenda e Buddo. Ye yali wa 9 nga alesee yo akabonero 1. Baamugamba nti oba asobola agende yeesasulire. Essente tezaaliwo. Awo we yakoma n'agenda okuko e Mulago nga Assistant Medical Officer nga y'akulira ward 2. Dr. Major Keen ne Dr. Web nga baakola nabo. Mu 1919 yakyalira Kabaka Dawudi ccwa mu Lubiri. Baamutwala mu Nnyumba Bunkembya Ccwa n'amugabula omwenge omuganda. Yagunywa olw'okutya Kabaka, naye nga gwe gwali omulundi gwe ogusooka okunywa omwenge. Yatamiira! Bwe yatuuka mu lusuku e Kampalamukadde, kati we baakolaebisaawe by'omupiira, n'atuulawansi okulinda munne. Otulo twamukwata, era munne bwe yajja baatambula butambuzi. Okutuuka e Mulago mu nkambi nga enkofiira n'olukoba abirese mu lusuku we yali yeebase. Yadduka mbiro n'addayo, era eky'omukisa yabisangawo

n'awona okusibwa. Yalayira obutaddayo kunywa mwenge na buli kati.

Mulago oluvannyuma yamuweereza e Mitiyana okukola. Yakoleranga wansi wa muti nga eno bwe bazimba eddwaaliro ly'e Mityana era yamalayo emyaka ebiri. Yalokera awo okukola omwaka gw'atajjukira n'agenda mu Company ya German eyitibwa Old African Trading Company ng'akola ng'Omuwandiisi. Baatundanga engoye, entebe, amaliba g'ente n'embuzi. Mu 1925 yagenda mu PWD n'azimba akatale k'e Nakasero. Mu 1935 nayo yavaayo n'agenda e Munyonyo okuvuba n'okusubula ebyennyanya. Yaliisanga Imperial Hotel n'okubigaba mu Kampala. Wano we yalagulira ekibanja we yabeeranga. Yakigula 150/=. Yasubulanga amata okuva e Mpumu ng'agatwala e Mulago.

Yazimba amaduuka e Kibuye ku Round kati awali Shell n'akatale. Mu 1964 baagamenyawo ne bamusasa Shs 6000/= ne bazimbawo Shell. Abayindi be baamugobesaawo. Mu 1963 yagenda e Wandegeya mu Research nga eno omulimu gw'okuvuba bwe gugenda mu maaso. Baaleetanga eddagala- miti, bikoola, mirandira ne babisekula, ne babifumga, ne babittulula, ne babitwala e Ntebe, ne ligenda e Bulaaya ne bakolam eddagala. Abazungu baawanga abantu ssente okugenda okunoonya eddagala eryo.

Ng'ali e Munyonyo, yayiisanga omwenge n'agusiba ku Ggaali ekiro ssaawa 5, anti nga talina license kutunda mwenge. Ate nga Abakulu abasatu; Sir Apollo Kaggwa, Zaakaliya Kisingiri, ne Mugwanya baali baayisa etteeka Abaganda obutanywa Whisky ne Walagi baleme kutamiira kutunda ttaka! Abazungu nga nabo babagaanyi okugula ettaka.

Mu 1996 Kwini yamuwandiikira ebbaluuwa ng'amukulisa okuweza emyaka 105. Yalotebwa Abazungu basatu okugimukwasa.

Amanyi Abasawo Abaganda abaavumulanga abalwadde. Ye baamugema obutalwala ng'abadde alumiddwa omusota. Era bwe gwamulumira awo we yali, teyalwala. Omusawo yakusalanga eddagala ery'omusota; era nig'asobola n'okuguyita nti, "Yasi, yasi, bakuwaabidde jjangu owoze. Jjangu ne bagandabo. Ggwe oyimirira ku kkono". Nga gyonna gijja, ogwakulumye nga nga gweyawula. Giri nga agiragira nga giddayo, guno ogwakulumye nga gusigalawo, nga ogukuba nga aggyako eddagala nga asiiga we gwalumye. Nga olwo akugemye. Era gwe yakozesanga n'okugema abalala. Kyokka yatya okutwala eddagala eryo nga atya okubeera Omusamize. Amanyi nti Akafumba kavumula



embiro, Omugavu guwonya pulesa, Kigaji batonyeza ku nsingo ne likulukuta ku maaso ensenke n'ewona.

Yagenda e Bungereza ku mbaga ya Kwini, yaddayo okukyalira bazzukulu be n'amalayo omwaka 1 n'ekitundu, n'akomawo ng'amanyi okukozesa kompyuta. Yafa nga 14.04.2004. Yazikiibwa e Maya nga 16.04.2004.

Omusomesa mu Makerere University Omw. Masagazi Masaazi. Ono ng'akolera wamu ne basomesa banne, Minisita w'ebyenjigiriza e Mmengo, Oweekitiibwa Yowana Kirizesitomu Muyingo ne Mw. Kafuuma Ssozi, baakola nnyo okulaba nga nfunu ekitiibwa "**Buganda Kwe Kwaffe**", nga kimpeebwa Empologoma ya Buganda nga 26. Kasambula 1998 olw'okuwandiika ebitabo mu Luganda. Kino kyansuzanga sebase era kyampaliriza okumaliriza ekitabo kino ku nkomerero ya Museenene omwaka gwe gumu.

Omusomesa ow'olulango S. Busuulwa owa Language Consultancy Bureau, Mwami Waalabyeki Magoba, ne Mwami P.J. Kaddu owa Luganda Akademe. Bano abana be baasoma mu kitabo nga kikyali mu bbago nga batereeza nga bwe kyalinga kyetaagisa, n'okubuuzza ebibuuzo ebyannyamba.

Omwami Waalabyeki Magoba afuba ennyo okutumbula Olulimi Oluganda n'eby'obuwangwa bwaffe, naye yampa ebibuuzo ng'asomye mu bbago ly'ekitabo kino, ebyannyogera okukirongoosa.

Ekifaananyi kya Bulange ekiri ku ddiba, kyakubibwa ow'oluganda Omwami Kimbowa Stevens omukugu mu kukuba ebifaananyi. Asiimibwa nnyo olw'omulimu omulungi.

Mukyala Mary Nalikka Kuteesa Nabugo Kimala mukyala wange ampagira mu buli kye nkola, ate nga Buganda kye kintu ekimusuzza nga teyeebase.

Ssaabakenkufu A. B. K. Kasozi yankolera omulimu munene nnyo bwe yandekera kompyuta ye okumala ebbanga lyonna nga nkuba ekitabo kino.

Mukaddé wange omwagalwa Taata Hajji Hassan K. Kibirige e Kawempe. Nina bingi nnyo bye nfunye era bye nkyafuna nga mpita mu ye. Ono wa mukago gwa kitange. Abantu ab'ennaku zino tebakyalina kwagala bakadde baffe abo kwe baalina. Kitange bwe yafa, amazima Kitange ono owoomukago yatuukiriza okwagala kwa muganda we.

Buli kiseera impita mutabani we omukulu era abantu bangi nnyo abeebuuzza wa Engeye we yazaalira Emmamba. Weewo olwaleero mutegeddewo.

Omutaka Maaso e Ffunve, Ssese Omwami Erifaazi Lubina eyazaalibwa nga 11.11.1917, alina bingi by'amanyi ebiri e Ssese ate nga buli lw'omutuukako ayanguwa okubikubuulira.

Ssaabakenkufu J.C. Sekamwa yafuba okunkuutira neeyongere okuwandiika malirize ekitabo kino.

Mwanyinaze Benaaleeta Nnaalongo Kizza muwala wa Maama Naneti wali e Mmengo, yampa ebyafaayo bingi era ne manya nti akabira Nawanku Siroganga mwe yakwekula Kabaka, kati waasigalawo luzzi n'omuti gumu, era kati bayitawo Kiti Zoni e Katwe ku Luguudo lwa Mutebi. (Mutebi Road).

Omusomesa wange omwagalwa, Ow'ekitiibwa Muhamood Ntege-Lubwama eyandeeta e Kibuli mu 1959 ng'anzigya e Katikamu Ssebamala e Bulemeezi, n'antendeka, n'ayongerera okunjagazisa okusoma, okwagala Obuganda, empisa eηηanda, n'ebintu Buganda by'erina. Yafuba nnyo okunfuula kye ndi kati.

Wano siyinda kwerabira Omusomesa G.W.Kitandwe e Katikamu Ssebamala ewa Mutuluuki, eyampeereza e Kibuli, ng'ayagala nfuuke omusawo Omusiraamu ayise e Kibuli. Katonda y'ampa kye yantuma ng'ansiibula ne nkituukiriza. Omusomesa Kamoga Kagugube eyansomesa Biology n'Oluganda e Kibuli, era n'ankwasa MB Nsimbi eyampaliriza okuwandiika ebitabo, bonna abo baankolera omulimu ogw'ettendo.

Omulangira Mawanda Kazibwe Musa, Muzzukulu wa Kabooli e Buyini, Kyaggwe, eyakiriza okwanjula ekitabokino oluvannyuma lw'okukisoma n'okulongoosa ensobi ze yawenjanga obuseenene.

Nsembyayo Mwami Benon Ssentongo MD wa Nwe Era Printers & Stationers ate nga Kojja w'abaana, eyakuba e kitabo kino, naye ng'amaze kusomamu ng'awenja ensobi ezaali zisigalidde. Ate n'akikola ng'ayagala. Mwebaza nnyo.

Mmwenna bannange besoogetdeeko wano, tekitegeeza butabajjukira oba obutabasiima. Buli omu alina k'akoze musiimye nnyo. Mwenna kambakwase Katonda y'aba abansasulira.





ENTANDIKWA N'ENTAMBULAY'OBWAKABAKA  
BWABUGANDA

Abantu abamu bagamba nti Katonda yasooka kutonda nsi ng'eri wamu kitole. Eggulu bwe lyabwatuka, ensi n'eyatikayatika. Ebibajjo ebisinga obuzito, ne bikka wansi, ate ebisinga obuwewufu ne bisigala waggulu mu bbanga. Olwo ensi n'ejjamu ensozi, ebiwonvu, enjatika byererenzi. Enkuba namuttikwa bwe yatonnya, enjatika zaafuuka emigga, ate ebiwonvu ifuuka ennyanja. Okuva olwo, ebintu byonna ku nsi ne biba nga birabikira mu bitu: Ekitole, Ebikulukuta, n'ebiri mu Mukka. Ekyaddako ye namuttikwa w'enkuba ayiika.

Kasita waalabika amazzi, empewo, n'omusana, Malayika Bulamu, abamu gwe bayita Omusambwa Bulamu" n'ayingira mu bintu ebitonde, obulamu ne butandika. Ebintuntu bifuuka abantu nga bava mu ttaka. Emiti, emiddo, n'ebibala ne bitandika okumera. Yennyanja n'ebisolo nabyo ne bitandika okulabikako. Ebyo byonna nga bimaze okwala, Katonda yassa omuntu ku nsi okuli ebyokulya n'okunywa. Obutafaanana na Kaawa obava gwe baggya mu lubiriizi lwa Adamu, wano ewaffe Nambi Nantuttululu naye yakka ussi ne bba Kintu nga bombi batonde okuva mu ttaka. Buli bantu Katonda yabaawulamu nawanga, buli Ggwanga n'aliwa ensi n'Obuwangwa bwa lya. Wano ewaffe mu buwangwa waffe mulimu *Obwakabaka, Ebika, Ettaka, Olulimi, Ekyoto ekitukuvu, Omuggo mutukuvu, Abalongo, Emizimu, Emisambwa n'Emandwa*. Tewali kitabo kitukuvu tayogera ku bintu ebyo, nabyo bikakasa nti gyebiri. Ekyoto ekyo kye kyavaako ekyoto gombolola, n'ebiyoto ebisangibwa mu **biggwa** byaffe abazzukulu gye bagenda ne seesaamu, ne bafuna emirembe. Wabula olw'okusangibwa wano, byonna bya bukaafiiri. ntasubiihi, Ssappuli n'omudaali bigendera mu ngalo byo sibibi, ate ensiriba ne yirizi kwekebwa ku mubiri, so nga byonna bikolebwa bantu na mikono gya bwe, okujjukira okusembeza amaanyi ga Katonda. Ate ng'okunywegera empeta n'okusembera amuwendo nnyo eri omugoberenzi omunnyikivu.

Katonda olwamala okutonda omuntu, yateekawo empuliziganya wakati we n'abantu be. yungawo **entabiro** wakati awo. Olutabiro olwo, nga lulimu *Abantu* abalonde (**abatume-tuyita Bannabbi**). Empuliziganya eyo, ereeta obuvumu, obumalirivu mu buli kintu untu ky'aba agenda okukola. Akola omulimu nga mu mwoyo mugumu, ng'amanyi nti i kintu kijja kugenda bulungi olw'amaanyi ga Katonda. Kubanga abeera afi ikakafu nti Katonda ali naye mu buli ky'akola. Okugeza, omukyala agenda okuz abeera nga yanywa eddagala, era nga yamenya, (so nno bw'atuula mu ddagala e





tamenya magumba ge), naye abeera mumalirivu nti byonna biri bulungi, ekkubo omwana mw'anaayita dungi, tewali kiyinza kumulemesa kuzaala mwana oyo. Kino kintu kirungi nnyo ne mu nzijanjabo ey'ekizugu, omulwadde bw'abeera n'essuubi n'ataggwaamu maanyi abeera ajja kuwona. Eyo y'enzikiriza eyakuuma Abaganda nga bamanyi nti Obwakabaka, n'embeera yaffe yonna, byava wa Katonda, nga bwatyo bwe yayagala tutambule.

**Abantu abalonde:-** Bano era be tuyita abatume oba Bannabbi nga bwe tulabye. Be batutuusaako obubaka bwa Katonda, nga babufuna okuva ewa Katonda, nga buleetebwa ebitonde Katonda bye yassaawo okukola omulimu ogwo. Buli Nabbi atambulira mu buwangwa bw'ensi ye mw'asibuka. Abaaleeta muno eddiini nabo baalina obuwangwa bwabwe bwe baakweka mu kusomesa eddiini, ebyo by'ebyobuwangwa ebigwira bye tutwalira mu ddiini. Olw'okunaayiza obuwangwa obutali bwaffe, ebintu byaffe byonna nabyo byakyuka ne tubikola mu mpisa eteri ηηanda. Ekyoto kyafuuka bubaane na ttaala ku Wolutaali. Bwekityo n'omuggo gusangibwa mu buli kiggwa ne mu bakulu ab'enjawulo. Ekirungi omuggo ogwo gusangibwa mu buli Ssinzizo nga Ekanisa, Kereziya n'Omuzigiti nga gukwatibwa abakulu b'eddiini.

Ebitonde bino ebimu tebiryama mmere era tebinywa mazzi. Omuntu gwe biba bisiimye, bimulinnya ku mutwe n'abikongojja ne bimwogererako, ye nga tamanyi bigenda mu maaso. Abantu abo bwe bafa, bafuuka emizimu, nagyo egigenda mu maaso okuwabula abaana n'abazzukulu. Emizimu gy'abantu bannaffe abataali balonde, nagyo gyegatta ku giri egy'abaali abalonde, nagyo ne girambula, ne girabula n'okuluηηamya abaana n'abazzukulu.

**Abalongo:-** Waliyo Abalongo abatonde, ate eriyo Abalongo abazaale ffe abantu abalyammere be tuzaala. Bano ffe be tusiba, ne basobola okukwatagana na bali abatonde, ne bafuna amaanyi okuleeta emikisa gya Katonda mu Kika. Kyova olaba nga buli mukolo mu Kika wano mu Buganda, basooka kuyimba nnyimba z'Abalongo, olwo obweza ne bujjula mu kifo, olwo emikolo emirala ne giryoka gitandika okukolebwa. Abalongo bwe babasobya, baleeta ebizibu mu Kika, n'ebitonde biri ebirala ne bitajja kuluηηamya bazzukulu, nga bigamba nti, "Olaba tebafudde ku baana baabwe be bazaala, naye ate ffe". Nga bikona, nga bisirika, ng'emikisa gikendeera mu kika.

**Emizimu:-** Nga bwe tugambye waggulu, bano baali bantu ne bafa, emyoyo gya bwe ne gisigala nga gitulambula, n'okugenda waggulu okutuwolezeza eri bannaabwe abakulu n'eri Katonda. Eriyo emizimu egy'obujajja, emizimu emizadde n'emizimu egy'abaana.

Omuntu oyo eyafa bw'abeera nga yali wa ttima, nga mubi, era n'omuzimu gwe gubeera mubi nga gwa ttima, n'okutuga gutuga. Wano omusawo w'ayitira Amayembe amasirikale ne gakwata omuzimu ogwo omubi, ne gutaddayo kubonyaabonya ba kika. Gino gy'egimu ku mizimu emikulu egyafuuka emmandwa obutafaanana gya bantu babulijjo:-

1. Kibuuka
2. Musoke
3. Mukasa
4. Wanga
5. Wannema. N'emirala mingi gikyaliyo.

**Emisambwa:-** Bino bitonde bya Katonda, si bantu. Katonda ng'abitonda, yabiwa amaanyi okukola ebyewuunyisa, n'okumanya ffe bye tutamanyi abalyammere. Katonda yabisindika mu Migga, mu Nsenyi, mu Gati agaakula ne gawola, mu Nsozi, ne mu bifo ebirala Katonda w'abeera abitadde nga ku mbalama z'ennyaja, ne mu Nyanja mwennyini. Gino gy'egimu ku Misambwa emikulu:-

1. Nnende
2. Nnamalere e Zzinga
3. Muganzitazze (gwa Bamusu)
4. Mayanja
5. Lumansi. N'emirala mingi ddala egisigaddeyo.

Omuntu ng'otambula, osobola okusanga omuntu gw'otamanyi, n'akugamba ekintu ky'obadde tosuubira, ne kikutaasa oba ne kikukola obubi. Okugeza, lumu Omw. Yusufu Bakaayana Ssaalongo Muyemba, ng'ono ye Jjajja w'Omuwandiisi w'ekitabo kino, yasanga omusajja gwe yali tamanyi. Bwe yamubuuza amannya ge, yamuddamu nti, "Nze Namalere. Twala omuggo ogwo, *Busungutebukola*, ebintu byo bikugenderenga bulungi". Omuggo Jjajja yagussa mu nju, naye teyagufaako era teyatambulanga nagwo olw'Obusiraamu obwali bumubugaanye. Kyokka yafa nga ebibye bimugendera bulungi.

**Emmandwa:-** Zino nazo, bitonde bya Katonda. Nga yabiwa okumanya ebintu bingi nnyo. Bimanyi amannya ga buli kintu ku nsi kuno. Zimanyi amannya g'ebitonde byonna, nga mw'otwalidde emiti n'emiddo. Kyeziva zimanya eddagala, ne zigema, ne zivumula oba ne zitta. Oyo gwe zaagala bwe zimukwata, asobola okumanya ebintu ye ng'omuntu



by'abeera tamanyi. Zino ze zimu ku Mmandwa enkulu:-

1. Muwanga
2. Kiwanuka
3. Kawumpuli e Buyego
4. Lukenge
5. Mukebera
6. Kagole
7. Kaggwa
8. Ndawula (Kawaali)
9. Nabuzaana
10. Nagaddya mu Nkumba
11. Nakimu
12. Namirimu, N'endala nyingi zisigaddeyo.

**Amayembe:-** Bano be Basirikale abatonde. Bayitibwa nga waliwo obuzibu mu Kika, nga wazzeewo obutakkaanya wakati w'emizimu, n'emisambwa, n'emmandwa. Bagayita ne gataasa Abaana n'Abazzukulu. Abalongo bo bwe bali baana, bwe banyiiiga tebakola mutawaana, okujjako okukiika ensingo ne batuulira emikisa gya mmwe. Mpozzi bwe banyiiiga ennyo, basobola okwokya omuntu. Mulimu amayembe ag'obugagga, amazadde n'agakuuma ekika.

Gano ge Mayembe amakulu:-

1. Lubowa
2. Nambaga
3. Namuzinda
4. Lukoma
5. Kalondoozi
6. Kisekuzo
7. Kasajja
8. Nalubowa. N'amalala mangi agasigaddeyo.

**Lubaale:-**Ebitonde ebyogeddwaako waggulu, bisobola okwegatta bisatu bisatu ne bivvuunuka ku Mukongozzi, oba ne bimulinnya ku mutwe gw'oyo gwe biba byagadde, ne biyitibwa Lubaale. Olw'okubanga biva waggulu eyo mu bbanga okutuula ku mutwe

gw'Omukongozzi nga tebirabika, kubanga mpewo buwewo, kye biva biyitibwa Lubaale. Kubanga ebbanga mu Luganda olukadde liyitibwa Lubaale. Biyitibwa bityo abantu basobole obuteerabira nti biva waggulu ewa Katonda. Buli Lubaale alimu ebitonde bisatu bisatu.

Katonda yatonda ebintu bye nga biri bibiri bibiri, ekisajja n'ekikazi. N'ebitonde bino bye twogerako wano, nabyo mulimu ebisajja n'ebikazi. Buli Kika kyagabana ku bintu bino. Eyo y'ensonga lwaki buli Kika kirina Lubaale waakyo, n'Ekiggwa omuggweera ensonga z'ekika ekyo. Ebyo Abaganda bye baali bamanyi nga tetunasoma ddiini mpya.

Ekirungi, buli kitabo kya ddiini kikakasa ebyogerwa nti Katonda ye yatonda ebitonde bino, abamu bye bayita Amajjinni oba Dayimondi, nti era ebyo byonna bya Sitaani. Kyokka nti Katonda yabiwa amaanyi n'olukusa okukema n'okuwabya abantu. Olwo Katonda asobole okulaba abo abamwagala, baleme kukemebwa Sitaani. Wano Abaganda we basingira abalala okutegeera Katonda. Anti, Katonda w'Abaganda, ye takema bantu be. Amanyi buli kintu n'abantu be bonna abamanyi. Amanyi obunafu bwabwe. Abalabulirawo nti oli mu kubo kyamu. Ekirala, Abaganda Katonda bamuyita "Mutonzi waabwe", ate bo abalala bamuyita "Kitaffe", ate Maliya ne bamuyita Nnyaffe. Mu Luganda Maliya atekwa kuyitibwa Jjajjaffe olw'okuzaala Katonda Kitaffe.

### OBWAKABAKA BUTANDIKA.

Katonda bwe yamala okutonda abantu, yamanya nti abantu be b'atonze, okubeera nga bali wamu, nga bafugika, yalina kubateeka mu bufuzi bw'Obwakabaka obuli ku musingi omugumu ate nga muluqqamu. Buli nsi yagiteekamu Obwakabaka bwayo, Obulombolombo bwayo, n'ennono bya njawulo buli nsi mu butonde. Abasinga baakyusa mu butonde ne bayiiya obufuzi bo ng'abantu, ne batandika okuvuganya ku bufuzi bwe beegunjirawo nga bagamba nti bwe bufuzi obw'omulembe. Tebaakoma awo ate ne baagala fenna tugoberere bo kubanga be batusinga okutegeera. Obwakabaka bwaffe ne babudibya so nga mu Nnono bwanywerera ku masiga asatu:-

1. Abataka abakulu b'Obusolya. Bano nabo bayimiridde ku miteeko esatu; Masiga, Bakabon a n'Abemituba.
2. Bakabona abayitibwa Abafumu. Kabaka alonda Ssaabafumu amulondera abakugu mu kulaba ebinaabeerawo, n'abavumuzi.



3. Abaami abalonde nga bikulemberwa Katikkiro okutuukira ddala ku Mutongole. Waliyo n'Ebitongole ebyetongodde.

Wano mu Buganda, Katonda yateekawo obulambe bw'obutonde obugobererwa nga Kabaka alondebwa, nga bwe tunaalaba eyo mu maaso. Kabaka bw'amala okulondebwa, abeera n'abamulunganyama mu buli ky'akola, asobolenga okubeera Kabaka alina obuvunaanyizibwa; mu nnyambala, mu ntambula, mu njogera, na mu buli ky'akola. Abantu abo nga be bano:-

**Abataka:-** Bano be babakulu Aboobusolya nga bakulembera Abataka Abaamasiga, Abeemituba, Abennyiriri n'abazzukulu baabwe. Bano z'empagi eziwaniridde Obwakabaka. Gye zikoma okunyweera, n'Obwakabaka gye bukoma okubeera ggulugulu.

**Nnaalinnya:-** Ono abeera Lubuga wa Kabaka bwe basikira Obuganda. Abalonda oba abasalawo nti ono ye Mulangira anaalya Obwakabaka, be babeera n'obuyinza okulonda Omumbejja anaasika ne mwannyina, olwo afuuke Lubuga. Nnaalinnya abeera n'omulimu mukulu nnyo mu kulamba Kabaka okumubuulirira. Kino kiyitibwa *kuvuma Kabaka*, anti Nnaalinnya abeera akozesa ebighambo ebiringa eby'okuyomba, Kabaka aleme kubitwala ng'ebyolusaago. Bwe bimunyiizaamu nga bamubuulirira, asobola byonna okubijjukira.

Kabaka takkirizibwa kubeerawo yekka, wadde omulundi ogumu. N'olwekyo Nnaalinnya abeera n'omubeezi, asobola okukola omulimu ogwo, buli Nnaalinnya lw'abeera yewunguddeko. Omubeezi wa Nnaalinnya ayitibwa Nampakibeezi. Nnaalinnya asobola okwerondera Nampakibeezi we amuyambako mu mulimu ogwo.

**Omulongo-** Kabaka abeera n'omulongo amulunganyama ng'amuleetera obubaka obuwa eri Katonda, nga buyita mu Mukasa Malayika w'ezadde. Kyetuva tugamba nti, "Bweza bwa Mukasa". Omulongo wa Kabaka Abagirinya bamuwunda mu ndira ebbiri eza Kabaka oyo zennyini ezaakazibwa edda. Oba mu lulira lwe olumu, bw'abeera nga yalondebwa nga basinziira ku bubonero obulala obutali kali ak'okujja n'endirira ebbiri, nga bwe tunaalaba mu maaso eyo. N'olwekyo, buli lulira lwa mwana w'enjoma, luyitibwa Mulongo. Omulongo wa Kabaka okwawukana ku balongo aba bulijjo, ye abeera n'amaanyi ag'enjawulo agayitibwa Lukenge. Olwo Kabaka n'aba ng'afuna oba ng'abaka obubaka okuva eri Katonda obutereevu, ng'awabulwa. Wadde nga buli Kabaka alina Omulongo we, era ng'asobola okutuuma Omulongo we erinnya ly'ayagala, buli Mulongo wa Kabaka alina Lukenge. Bakabaka n'Abakulu abamu, babaggyako akaba ne bakawunda, nako olwo ne kayitibwa Omulongo.

**Ejjembe-** Kabaka abeera n'ejjembe ly'Obwakabaka. Ejjembe lino liwangibwa abasawo ba Buganda, abajja basikira bali, abajja ne Kintu. Abo baali baawandibwako eddusu lya Katonda, nga bye boogera baamalanga kulabisibwa Katonda. So si bano banneenoonyeza byabwe. Ejjembe liwa Kabaka obuzira, nga limuwa n'amaanyi agamuyamba n'asobola okuwangula abantu be, entalo n'ensi ye. Ejjembe nalyo Kabaka alituuma erinnya ly'abeera ayagala.

**Ennyumba-** Omuntu okusajjakula, atekwa okuzimba ennyumba n'okuwayira. Omuntu bw'afuna ebyo byombi, ng'asajjakudde. Bw'afuna ekibanja, n'azimba, ng'olwo afuuse Ssemaka. Ekibanja kya Kabaka kiyitibwa Akaalo. Buli Kabaka azimba enju ye n'agituuma erinnya ly'aba ayagadde.

**Katikkiro-** Buli Kabaka olumala okutuula ku Namulondo, ng'alonda Katikkiro anaamuyambako mu kufuga Obwakabaka. Ono ayitibwa Kabaka Oweebweru. Kabaka asobola okulonda Katikkiro omulala yenna, ekiseera kyonna, nga bw'abeera ayagadde. Tewali amukuba ku mukono.

Abo abakulu bonna nga bwe mbamenye, okuggyako abakulu b'ebika, balamula nga Kabaka oyo eyabalonda akyali mulamu. Oluva bwati ku Namulondo, ng'akisizza omukono, nga bonna babayiwa. Kabaka addako alonda ababe abapya. Bali bagenda ne Mukama waabwe, ne bafuuka abaamasiro. Olwokubanga Kabaka tafa akisa mukono, oba awummula buwummuzi, Nnaalinnya we ne Katikkiro we babasikira. Ky'ova owulira nti ono ye Nnaalinnya oba Katikkiro w'amasiro. Eyo tebavaayo kulamula ku Kabaka mulamu. Kubanga bo bayitibwa b'amagumba.

**Amayembe g'Obwakabaka:-** Obwakabaka bulina amayembe gano:-

1. Ssebintu- lino lya Jjajja waffe Kintu.
2. Kinembe
3. Kimommo
4. Nyeenya- omukongozzi waalyo ye Kikapwe.
5. Lukenge-lino lissi, Omukongozzi waalyo wa Musu-Nkalubo.
6. Kizinga
7. Mbagiangasha-lino si Gganda, lyava Bunyolo.
8. Ssekabembe-guno Musambwa.



9. Nambaga-Lino livumuzi, era n'Oluzaalo.
10. Nantaba- Kabaka okumutikkira, amala kutuma bajjajjaabe abazaala Mugema (Kitaawe) okulileeta okuva e Lugonda, Bukakata. Atuma Kaggo, Nakatanza, Ssematimba ne Mukusu okuwerekerera bajjajjaabe.
11. Mbajjiwe- lino likuumibwa Katambala. Owenvuma y'alisitula Akatebe kwe lituula kasitulibwa wa Kkobe. Abengabi 2 be bakubi b'ennyoma zaalyo. Owennyonyi y'asereka enju yaalyo.
12. Lubowa
13. Namuzinda
14. Muwanga
15. Kalondoozi- lirondoola ekirungi n'ekibi
16. Kasajja
17. Kiraalire
18. Namudomola, n'amalala.

**Amayembe g'entalo:-** Eggye ly'Abaganda, lyabeeranga ggumu ku lutalo, nga bamanyi nti balina amayembe g'olutalo agabayamba okulwana n'oukuwangula olutalo. Kabaka bwe yagabanga Olutalo, kye yavanga awa abagabe amayembe gano, ne bagenda nga bagumu nnyo. Omugabe Kabaka gw'akwasa amayembe gano abajaasi bamutya nnyo era bamuwulira nnyo. Kabaka yawanga Omugabe amayembe gano:-

1. Kawottowotto lya nkuba. Balisalako ne baliyita Kawotto.
2. Kizito
3. Ssebitengero
4. Kanyamira
5. Kizinga
6. Kipumpu
7. Kalondoozi.

Omugabe naye alonda Abaduumizi be, nab' buli omu n'amuwa ejjembe limu. Buli Muduumizi alina ebibinja by'aduumira. Ebibinja bwe bimala okumanya nga bifunye ejjembe ly'olutalo okuva ewa Kabaka, balwana okufirawo. Ate era bonna balwana okulaba nga tebabanyagaako mayebe gano. Oluvannyuma lw'olutalo, gakuŋŋanyizibwa Omugabe n'agaddiza Kabaka, okutuusa lw'aligaba olutabaalo olulala.

Mu Buganda mulimu entegeka y'Obufuzi ng'eri ku maanyi ga Katonda. Nga bagamba nti Katonda yategaka emitendera esatu egisangibwa mu buli kika, mw'ayisa amaanyi ge. Obwakabaka n'olwekyo bufugibwa ku musingi gwa kutya buyinza bwa Kabaka obuwa ewa Katonda, nga buyita mu bitonde ebyo bye tulabye waggulu. Okunonyereza kulaga nga bwe tulabye eyo waggulu, nti mu Buganda buli Kika kirina Lubaale, Amayembe n'Emizimu eby'ekika ekyo. Kyokka Amayembe Lubowa, Nambaga ne Kasajja, buli Kika kibeera nago, era gaayitibwa Maganda ggere gere. Lubaale alimu Emmandwa ssatu- Kiwanuka, Musisi ne Musoke. Ku buli mutendera mu Kika, okuva ku Mutuba, Ssiga, n'Akasolya, waliyo **Ekiggwa** omuggweera eby'ekika. Lubaale, Amayembe n'Emizimu eby'ekika ekyo, mu **Kiggwa** ekyo mwe bikumŋaanira nga biyitiddwa okulamula ensonga ebeera ezzeewo mu Kika. Emizimu gy'egyo egy'abo abaafa edda, abakomawo ne baloosa abazzukulu ne babalunŋanyama. Kyetuva tugamba nti abantu tebafa, bakyusa bukyusa mbeera. Era tugamba nti beebase mu kifo gundi. Era bagamba nti ekigambo *kufa* kiva mu *kufuula* mbeera, omuntu abadde omulamu mu kitole ky'osobola okukwatako, n'afuuka omulamu mu mpewo- eyitibwa omuzimu ogujja ne gwogera.

#### BAKABAKA NGA BWE BAZZE BADDIRIŋŋANA

Abantu bangi buli omu akuwa ebigambo bibye. Emabega awo nga bwe twalabye edda, Obuganda bubadde n'Obwakabaka okuva mu kutondebwawo kw'ensi yaffe. Bakabaka abasinga okujjukirwa obulungi mbafunye okuva mu bantu abasinga obungi be baali batabuusabuusa. Abo abaasooka tulina kugenda nga tujjuza amabanga nga tetunyooma abo ababeera bafunye okumanyisibwa.

#### KINTU OMUTONDE-OMUTEMBUZI

Katikkiro we ye yali Kisolo wa ŋŋonge.  
 Nnaalinnya we ye yali Kabonesa.  
 Omulongo we ye yali Kinene.  
 Ennyumba ye ye yali Kirolokyannyinamwiru.  
 Ejjembe lye lyali Ssebintu.

Ono ye muntu eyakulembera banne nga bajja ku nsi kuno (omuberyeberyey). Ono ye mutonde butonzi okufaanana ne Adam ow'Abazungu, n'akka wansi okuva mu Ggulu, nga kitaawe ye Ggulu. Yakka ne mukazi we Nambi Nantutululu ne Katikkiro we Kisolo,



awamu n'abantu bangi abaabalabiriranga, nga mulimu abasajja n'abakazi. Abamu Kintu bamuyita "Muntu" ate Nambi ne bamuyita "Kibaawo".

Abantu bangi balina okumanya kwanjawulo, naye ng'abasinga bakakasa nti Kintu omuberyeberye yaliwo muntandikwa y'ensi. Abamu bagamba nti okuva ku ye waakabeerawo ba Kintu 15, abalala 9 n'abandi 6. Omuwendo ogwawakati natwala 10, ne mukoddomi wange Omusawo Temitewo Kalibbala, eyazaalibwa mu 1906, n'akulira mu kisaakaate kya Sir Apollo Kaggwa, naye gw'agamba nga gwe mutuufu. Ebigambo bye mbitwala nga bisaana okukkiriza, kubanga musajja mukulu, ate nga wadde yazaalibwa eyo mu 1906, akyategeera bulungi, era ajjukira byonna by'azze ayitamu. Ate nga muyivu, anti musawo mulamba. Yabeera nnyo ne mukuluwe Sir Apollo Kaggwa. Ayagala nnyo era anyumirwa nnyo ebyafaayo bya Buganda. Abikunyumiza yenna ng'omulaba nga ky'anyuma kimunyumira.

Bakintu bano bagenda babbulwa mu Kintu eyasooka. Buli luvannyuma lwa kiseera ekigere, naddala buli abantu lwe baba nga bayitiridde okuva ku butonde, Mukama aleetayo Omulangira alina amaanyi ag'obutonde Kintu eyasooka ge yalina. Ekyo kye kiryo, *Sserulyolulanda*, ekisimbibwa obuggya ne kiranda nga kigenda kibala ensujju ez'omulembe omupya. Buli nsujju ebeera Kabaka. Bakabaka bano baali Bacwezi, nga balina embala yaabwe gye baabalangamu nga ya myenda myenda. Omwenda ogumu nga gulimu ennaku mwenda, ng'eyo ye sabbiiti emu. Okuva ku Kintu Kato omuzaale, embala yakyuka n'edda ku kkumi kkumi. Okubala okw'emyenda kwasigala mu misambwa. Okuva ku Kintu omutonde, okutuuka ku Bbemba, abakulu abamu, okugeza nga Jjajja Gabunga Yosiya Kasozi ono aliko, batugamba nti, bakabaka awo wakati bawerawo obusiriivu mukaaga n'okusingawo.

Bw'otunuulira ebintu bya Dr. Leakey bye yazuula, nti omuntu eyasooka yali wano ewaffe e Buvanjuba bwa Africa, emyaka obukadde 20 egyakayitawo, buli Kabaka bw'omuwa obuwangaazi bwa myaka asatu, kiba kitegeeza nti mu myaka obukadde 20, mwakabeeramu abafuzi 666,667. Omuwendo guno gukwatagana bulungi n'omuwendo gwa bakabaka ogutugambibwa nti be baali baakafuga wano okutuuka ku Bbemba. Anti abamu bagamba nti basukka mu Busiriivu mukaaga! Ate bw'osoma E.M Buliggwanga "E Kitabo ky'e Kika ky'e Mmamba" 1916, ku lupapula 68, abala emirembe 52 okuva ku Bukaddebukookooma okutuuka ku Ssemwezi Maganda, ate okuva ku Ssemwezi Maganda okutuuka ku Bbemba, abala emirembe 51. Gyonna gy'emirembe 103 nga gya Bammamamba.

Bwe tugendera ku Dr. Leakey, ate nga bino mu nsi yonna bye bakkiriza nti bye bituufu, kiba kitegeeza nti ebiryo ebyakasimbwa bwe tutwala nti biri kkumi, olwo buli kiryo kiba kirandira emyaka 2000, ng'ekyo ky'ekiseera kya kyo ekigere, kye kimala nga kiranda, oluvannyuma ne kifuula olulyo. Olwo ne tufuna Kintu omulala n'omulembe omuggya. Ate era bwe tutwala nti buli Kabaka yafugiranga emyaka 30, olwo buli kiryo mu myaka 2000, kibala ensujju 66.6. Kiba kitegeeza nti buli luvannyuma lwa bakabaka 67, ezaalibwayo Omulangira alina okumanyisibwa n'amaanyi ebipya, okufaanana nga jjajjaffe Kintu, okuggyako nti ono azaalibwa buzaalibwa tava mu Ggulu. Okwo kwe tuyita okufuula olulyo ne walabika ekiryo ekiyya, n'omulembe omupya.

Mu kitabo kye "Through the Dark Continent", Henry Morton Stanley 1899, essuula 14, olupapula 270, ayongera okukikakasa bw'agamba nti, "*Ekiseera kyentebereza okujja kwa Kintu sikituufu. Alabika nga yajja dda nnyo okusinga awo, era n'amannya gaabo abaamuddirira bangi gakyabulidde mu kizikiza*". Oyo ye Kintu gwe twogerako wano, era okufaanana ne Adamu, ye muntu eyasooka mu nsi muno. Yazaala era yazzukuza ensi yonna.

Abo abawakana nti mu Ggulu temusobola kuvaamu kintu ne kigwa ku ttaka, nsaba bajjukire ebinyumizibwa mu Nsi yonna, nga mu biseera eby'enjawulo, mu Ggulu bwe mubadde muvaamu ebintu ebyewuunyisa. Abantu nga tebanatandika kwekolera, Katonda yabasuuliranga emmere okuva mu Ggulu. Kati owulira nti eggulu lyabwatuse ne muvaamu akayiibwa, oba eggi, oba akakoko akeeru. Abamu batugamba mayinja, abandi batugamba abantu abava mu bbanga ate ne babula. Abazungu batugamba ebintu ebibuukira mu bbanga ne bigwa wansi, bye bayita "Flying Saucers" (Kibonoomu).

Kye sirinaamu kubuusabuusa, kyekyo maama omwagalwa Saala Kyofuna Nsubuga ky'anyumya buli kiseera, nti mu mwaka ogwa 1917 ku kyalo Kitenderi e Baamugolodde, omuzigo gwagwa wansi, abantu bonna ne bakunnaana okugulaba, era baagukakasa nga gwali muzigo gwennyini. Oba gwava mu nnyonyi tebaamanya. Kyokka baagutya okugulya ne bagukolera akatandaalo ne baguteekako, ne gusaanuukira okwo okutuusa bwe gwaggwaawo. Baaguggyangako obutole nga ne maama tabuzaamu, ne bagwesiiga ku mubiri buli awali ennyingo. Bangi n'abalala be mpulira nga banyumya nti ddala kituufu mu bbanga eyo etera okuvaayo omuzigo ne gugwa wansi. Ebitabo by'eddiini bitugamba nti Katonda yasuuuliranga abantu be emmere "Maanu" okuva mu Ggulu nga bwe tulabye. Obanga edda ekyo kyasobokanga, osanga ne bye batugamba nabyo



byaliwo. Eky'okusaalirwa, tukkiriza enfumo eziva ebunaayira nga zo ntuufu, ne tugaana ezaffe nga tugamba nti z'e z'obulimba.

Abantu abamu banyumya nti Kintu yagobera ku mwalo Podi n'asenga e Kibulala. Wano nga we yazaalira omwana we omuberyeberye Nanyoma. Nti bwe yava wano, yagenda Nakasongola ku kasozi akayitibwa Kanyamusunga.

Eyo gye yasanga Namulondo eyobutonde. Nti yali akyali eyo e Nakasongola, yagenda okulaba ng'ekitanyi kya Nanyoma kye baaleka e Kibulala kibagoberedde, nga kivaamu eddobozi nti, "Oyo wazaala Mukama". We kyayogerera waafuuka oluzzi oluyitibwa Kyangabakama. Ekifo ekyo e Buluuli gyekiri. Ababimanyi bakugamba nti ensungwa yafuuka olwendo. Oluzzi luno terusenwamu atalina lwendo, terufubitikwamu kirala kyonna, okuggyako olwendo. Era omukazi yenna akimayo amazzi ku luzzi luno ng'alina olubuto, bw'azaala omwana, ekitanyi akifugika ku luzzi luno ne bagabana abaana, ng'oluzzi lutwala omwana ow'emabega. Ebyo Kintu bwe yabimanya, yawa muwala we Nanyoma effumu n'ejjembe Ssebintu, era ne bamuzimbira n'ennyumba ya miryango mwenda e Buluuli. Munno mw'atuula n'asisinkana bannyina, abafuuka bazzukulu be, bali abaagabana Obwakabaka, n'abagabira emikisa nga giva ku ffumu n'ejjembe ebya muweebwa Kitaabwe. Buli Kabaka agendayo, ayita mu mulyango gugwe.

Bano bokka nga be bakkirizibwa okusemberera Namulondo entonde: Abempeewo, Abengeye, Aboobutiko, Abalangira, Abambejja n'omuntu yenna Nanyoma gw'aba alonze okusembera. Badduka beetooloola Namulondo eno.

Kintu yaleka abazaana be ku Namulondo ye e Nakasongola, ate ye Kisolo n'agenda ku jjinja Lwamiguwa eriri e Neetuulidde mu Busujju. Eyo gye yavanga okukola emirimu gye egy'Obwakatikiro. Omuzungu yayagala okwasa Namulondo eno n'agisibamu olujegere asike ejjinja aligattulule naye ne limuremerawo. Nakaakati ejjinja eryo lirabika nga litudde ku linnaalyo, mu ngeri eyeewuunyisa.

Abamu batugamba nti Kintu bwe yava e Nakasongola, yagenda Bunnamwaya mu Ngobe. Wano we baazaalira omwana waabwe omulenzi omuberyeberye ng'avudde e Nakasongola, n'amutuuma -Keeya Kikumbi. Oyo n'abeera Kiweewa, teyalya bwakabaka, yafuuka musambwa. Okuva olwo buli Mulangira asooka okuzaalibwa Kabaka ayitibwa Kiweewa, talya bwakabaka era tazaala Kabaka, wabula bamutikkira Obwakiweewa mu

kifo kye kimu awo mu Ngobe ne bamusimbira Omutuba. Kabaka bw'akisa omukono, Omutuba gwa Ssekabaka oyo abaddeko gugenda mu maaso nga gusikirwa Abalangira n'abazzukulu ba Kiweewa oyo. Era bo bwe baba balanya boogera nti nva mu Kabaka gundi. Kino kitegeeza nti emituba gino gyandyenkanye n'omuwendo gwa Bakabaka abaakalya Obuganda, kubanga buli Kabaka asimba Omutuba gumu. Naye kati tulina emituba mingi nnyo kubanga buli akula, ayagala kukulemba, ekivaamu ng'asaba mutuba. Bwekityo bwe kiri ne Busolya bwaffe, Amasiga n'Emituba mu bika byaffe byonna. Bingi nnyo okusinga bwe byandibadde. Mu Nnono ebyo bizaalibwa buzaalibwa ne tubisikira nga tugoberera musaayi, so si kubironda ng'ebibiina by'obufuzi, oba nti buli alina ensimbi ng'agula omutuba nga bagumusimbira.

Obwakiweewa baabutikkiranga bwe bati:

Omulangira yatemenga enkumbi ku kiteete ne muvaamu olutembe ne lumweyambika mu bulago. Olwo n'agenda akuba ku Nanyoma y'Obwakiweewa. Oli bwe yatemanga ekiteete olutembe ne lutajja, bwe yagendanga okukuba ku Nanyoma, ng'enyoma eddukawo (ng'eyiringita n'egwa eri), ng'olwo bamanya nti oyo tabadde mulangira mutuufu. Kiweewa tazaalibwa buli Mulangira era n'Abempologoma tebalituuma. Okufaanana Kiweewa, waliwo Abambejja abatazaalibwa Mulangira atalidde nyoma era nabo Abempologoma tebebatuuma. Abambejja bano balina emikolo emitongole mu Bwakabaka, era be bano:-

1. Nassolo
2. Kagere (Kagere mu Nkabira e Nsaggu gwe babbulamu)
3. Nassiwa

Kintu bwe yagoba ku mwalo Podi, yagenda e Kibulala gye yazaalira abaana babiri Winyi ne Lukidi. Bano be baweza abaana basatu Kintu be yazaalira e Kibulala. Ng'abazaala ne Nambi Nantuttululu Owengeye. Buli omu yamugabira ekitundu kye mw'anaabeeranga. Abaana abo, be bazze bavaamu Olulyo Olulangira, era be bano:-

1. Nanyoma (Nyananyoma) Nsungwa- ono ye mulongo eyasooka okuzaalibwa mu nsi yonna.
2. Winyi
3. Lukidi.



Olw'okuzaala omulongo Naḥḥoma, Kintu yaddayo eri mutabani we Ssebuganda n'amumenyerako olukanda. Awo erinnya Lwadda we liva nti, "Olwadda n'akola emikolo egy'okumenya olukanda." Wano Ssebuganda we yafuukira Taata wa Kintu era teyaddayo kufukaamirira Kabaka era bwatyo teyasikira "mutabani" we. Okuva olwo okumenya olukanda kyafuuka mpisa ya Baganda. Kintu bwe yava e Kibulala, yagenda ku kasozi Lwadda gye baazaalira omwana waabwe Ssebuganda. Awo we yava n'agenda e Bunnamwaya. Abaana Kintu be yazaalira e Kibulala bonna yabasimbira emituba oluvannyuma egyafuuka Obwakabaka.

1. Naḥḥoma Nsungwa yamuwa Buluuli okukuuma Namulondo ya kitaabwe n'okukuhanya bannyina bonna abaafuna obwakabaka. Naḥḥoma okugenda e Buluuli, yagenda n'omulongo wa Kintu ayitibwa Kinene ng'akuumbwa Kimbugwe, ate nga Kabonesa ye Nnaalinnya we. Owempeewo ye yawerekeranga Naḥḥoma ku Namulondo eno. Ng'ennyumba mw'akuḥḥaanyiriza bannyina ya miryango mwenda eyitibwa Kiroolokyannyinamwiru. Buli mulyango guliko nnyinigwo eyafuna Obwakabaka mw'ayingirira.

Kintu Kato (omuzaale) okugenda mu lutalo yasooka kugenda Buluuli ewa Lubanga. Oyo ye yamutwala ewa Naḥḥoma n'afuna emikisa egiwangula olutalo n'okutereeza Obuganda. Wano obukulu bwa Naḥḥoma we bulabikira. Buli abeera ayagala okutereeza ekitundu kye yafuna, alina ku kiika wa Jjajja we Naḥḥoma, olwo n'alyoka afuna amaanyi n'emikisa okutereeza ensi n'abantu be.

Emitawaana egiriwo kati, gyava mu kwerabira Katonda bye yatuwa nga tujja mu kumusoma okwajja, ne tukoppa obuwangwa bw'Abagwira. Gye tukoma okufuuka abagwira, gye tukoma okwerabira, era ne tukyawa Katonda bye yatutondera. Olwo nga tusuula obutonde bw'ayagala tutambuliremu. Katonda ye yatonda ensi yaffe eno, era n'agituwa tubeeremu mu mbeera gye yatwagaliza etafaanana yabantu balala. Yatuwa Obukulembeze tubutambuliremu nga tuli wamu kitole. Obukulembeze bwaffe yabuteekako ekitikiro nga bwe Bwakabaka. Buli kitundu nga bwe tulabye, yakiwa Obwakabaka bwakyo. Obwakabaka bwonna bulina Obwajjajja ffenna mwe tusibuka. Ye Jjajjaffe Kintu. Buli awali Obwakabaka, kye bava bakugamba tuli bazzukulu ba Kintu. Era bonna Naḥḥoma bamumanyi nti Jjajjaabwe. Ekitebe kye kiri Buluuli. Kyetuva tugamba nti Obuluuli bwa Naḥḥoma.

Bwe twava ku bufuzi bw'obutonde ku mulembe gwa Mwanga ne Kabaleega, Naḥḥoma yadduka okuva e Buluuli ng'Abazungu beefuulidde Mwanga ne Kabaleega nga babalwanyisa. Naḥḥoma yabulira mu muti oguyitibwa Mwambalabiggya, ogukyaliwo mu Lubiri lwa Naḥḥoma e Buluuli na kaakati. Olwakuba enkwanzi ze ku muti ogwo, ne zikutuka, ne zisaasaana, awo naye n'abulira mu muti omwo. Okuva olwo Naḥḥoma taddanga Buluuli. Okufaanana ne Kitaawe Kintu, naye emisambwa gyamutwala ne gimutereka. Ye gyamutereka Mubende mu lusozi oluliraanye olusozi okuli Nakayima. Eyo amasiro ge gye gali. Kyokka amasiro ga bajjajjaabe gyegali e Buluuli. Embiri ezaaliyo zaggwaawo dda naye ebifo mwe zaabeeranga bimanyiddwa era omuwandiisi yabituukamu. Abaggazi n'abakozi b'emirimu abalala mu mbiri zino weebali abazze basikira bannaabwe. Obuluuli bwasiigala bwa Naḥḥoma. Nakati bwe kimanyiddwa abantu bonna nti Obuluuli bwa Naḥḥoma.

Olwokubanga jjajjaffe Kintu obuyinza obuluhḥomya ennono, obuwangwa n'obulombolombo bwa buli Bwakabaka yabulekera Jjajjaffe Naḥḥoma, kiba kitegeeza nti okuvaawo kwa Naḥḥoma e Buluuli, kyaggyawo okuluhḥomya okwo wonna mu nsi. Ky'ova olaba nga Obwakabaka mu nsi bwaggyaamu amaanyi, okumanya n'ekitiibwa eby'obutonde wonna mu nsi. Awalala Obwakabaka n'okusaanawo bwasaanirawo ddala, abantu ne batandika kuyiia bye baagala ne babissaawo era ne babikolerako, naye nga si y'entegeka ya Katonda. Bwe twava ku ntegeka eyo, kati tewakyali assa kitiibwa mu munne. Si bafuzi na bafuzi, si baana mu bazadde, leero buli muntu ali ku lulwe. Omuzadde ne bwagaana omwana ekintu, omwana alina eddembe okugaana. Abamu ne Katonda tebakyamumanyi. Abantu baffe bagenze beeyongera okwonooneka. Bangi beefuula n'abasawo olw'ensimbi ne banyaga abantu nga babalimba. Bwe bavudde mu kulimba ne batandika okubba n'okutta ne battira ddala. Empewo zaffe okuva edda nga tezisaddaaka bantu, era nga mu masinzizo temuyiibwa musaayi. Naye kati buli olukya owulira kukwata baana bawere, na kubatemako mitwe nga babasaddaaka. Okuggyako nga tuddayo ku butonde obwoluberyebereye nga Namugereka bwe yategeka, buli kitundu kimale okwetereeza mu bufuzi bwakyo bwe yakitondera, olwo abafuzi abo ne batuula wamu mu bwajjajja obumu, nga bajjajjaffe bwe baakolanga, olwo lwe tujja okuwona obufuzi obwakirwanire. Awatali ekyo, ensi tegenda kutereera. Buli mufuzi anaafuganga nga tatereezezza ekyo, ajjanga kuvaako nga talina ky'alongoosezza. Era tujjanga kuddayo mu mivuyo gye gimu. Okutereeza ebyo byonna ebyasoba, nga Naḥḥoma amaze okudda e Buluuli. Anti Naḥḥoma yamala kuva Buluuli Abaganda ne bakyawagana n'Abanyolo okukamala, so ng'ate ba luganda. Omunyolo agamba, "Kanyagwa Abaganda",